# Bakutte abatunda eddagala mu bukyamu

Bya PHIONA NANYOMO

EKITONGOLE ekivunaanyizibwa ku mutindo gw'eddagala mu ggwanga kikoze ekikwekweto mwe kikwatidde omusuubuzi wa cakala abadde ne bbookisi z'eddagala ery'enjawulo.

Ali Kawuki ow'e Lusango mu Lukaya Town Council mu disitulikiti y'e Kalungu ye yakwatiddwa ng'atunda eddagala ery'ebika eby'enjawulo mu dduuka lye eritunda ebintu ebikozesebwa mu bulamu obwa bulijjo.

Kiddiridde ab'ekitongole okufuna amawulire nga Kawuki bw'atunda eddagala kyokka nga talina bisaanyizo. Bwe batyo nga bakulembeddwaamu avunaanyizibwa ku bikwekweto, Dr. Alfred Akali baagenze e Lukaya ne bakola ekikwekweto mwe baamukwatidde n'atwalibwa ku poliisi y'e Lusango.

Ekikwekweto kino kyayindidde mu disitulikiti okuli Kalungu, Kyotera, Rakai ne Lwengo. N'omusawo eyategeerekese nga Roy Kibira akolera mu katawuni k'e Lumbugu mu Rakai yakwatiddwa n'eddagala lya Gavumenti ng'alitunda mu kalwaliro ke, naye n'atwalibwa ku poliisi.

Mu kikwekweto kino, obulwaliro obuwerako buggaddwa n'eddagala ne liboyebwa ng'entabwe evudde ku butaba na bisaanyizo bibukkiriza kukola.



Ali Kawuki (ataddeko entalabuusi) eyakwatiddea aba NDA mu kikwekweto. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.